2nd. Feb.2020

Ennyanjula y'Okubala

Okubala 1

Ekitabo ky'Okubala ng'ebitabo ebibiri bye twakasoma (Olubereberye n'Okuva) kyawandiikibwa Musa; okujjako ebitundu ebimu mu kyo ebyawandiikibwa abawandiisi abalala naye ekitundu ekisinga obunene kyawandiikibwa Musa.

Ebimu ku by'awandiikibwa ebiraga obukakafu mwemuli bino

Okubala 1:1-2 "***Awo Mukama Katonda n'ayogera ne Musa mu Weema ya Mukama ey'Okukuŋŋaanirangamu, mu Ddungu lya Sinaayi ku lunaku olw'olubereberye olw'omu mwezi ogwokubiri ogw'omwaka ogwokubiri kasookedde abaana ba Isirayiri bava mu nsi y'e Misiri. N'amugamba nti: "Bala ekibiina kyonna eky'abaana ba Isirayiri ng'obategeka mu bika byabwe, ne mu mpya zaabwe, ng'owandiika erinnya lya buli musajja kinnoomu ku lukalala. "***

6:22-27 '***Mukama Katonda n'agamba Musa nti, "Tegeeza Alooni ne batabani be nti, Bwe muti bwe munaasabiranga abaana ba Isirayiri omukisa: munaabagambanga nti: 'Mukama Katonda akuwe omukisa, akukuume; Mukama Katonda akwakize amaaso ge akukwatirwe ekisa; Mukama Katonda akwolekeze amaaso ge akuwe emirembe.' " "Bwe batyo banaateekanga erinnya lyange ku baana ba Isirayiri, nange naabawanga omukisa."***

Ng'eriinnya lyakyo bwe liri; ekitabo kiraga okubalibwa okw'enjawulo okw'abantu ba Katonda wadde nga kirimu n'ebyafaayo ebirala mu bulamu bw'Abayisirayiri mu ddungu era ng'ebyawandiikibwa mu kitabo kino byonna byaliwo mu kiseera ky'eddungu ng'abaana ba Isirayiri bava e Misiri.

Omulamwa omukulu mu kitabo kino bwe tukukuvu n'obwesigwa mu bantu ba Katonda awamu n'obwesigwa bwa Katonda eri abantu be.

Mukitbo kino twongera okulaba obwesigwa bwa Katonda ng'agabirira emmaanu wamu n'obugubi (**Chapter 11**) gattako n'okubagyira amazzi mu lwazi (**Chapter 20**) ate ne tulaba obutali bwesigwa bw'abantu nga beemulugunya , mwetujja okulabira Miriyamu ne Alooni nga bawakanya obukulembeze bwa Musa (**Chapter 12**).

Mulimu abakkessi ekkumi n'ababiri abaasindikibwa okuketta ensi ensuubize ekkumi ku bo ne badda ne alipoota eyennyisa emitima gy'abantu (**Chapter 13**).

Muno era mwetulabira nnabbi Balamu eyagulwa okukolimira Isirayiri naye Mukama n'amukomako n'agirangirirako omukisa wamu n'endogoyi eyayogera (**Chapter 22**).

Okubala Essuula 1

vs 1-4 Oluvannyuma lw'okuzimbibwa kwa Weema Ya Mukama Eyookukunganirangamu ku lunaku olusooka mu mwezi ogwokubiri mu mwaka ogwokubiri oluvannyuma lw'okuva e Misiri emwezi kkumi n'ekitundu nga bali ku lusozi Sinaayi era nga wayise omwezi gumu ng'Eweema emaze okuzimbibwa bino webyabeererawo.

Mukama yalagira Musa abale ekibiina ky'abantu era baali baakubala buli musajja okuva ku myaka abiri n'okudda waggulu omu kw'omu mu buli nnyumba.

Okubalibwa kwakolebwa ku mutendera gw'ebika, empya wamu n'abatuuse okuyingira mu magye babalirwe mu bibinja. Mukama yalonda n'abakulu b'ebika okubayambako okubala abantu bano era n'amannya gaabwe ne gamenyebwa. (**vs5-16**)

Vs 17-19 Abassajja baalondebwa mu bika byabwe ne babala abantu okusinziira ku bujjajja bwabwe, empya zaabwe wamu n'e mu bika byabwe nga Mukama bwe yalagira.

vs 20 Emiwendo egyava mu kubala kuno

vs 20-46 Lewubeeni = 46,500, Simyoni = 59,300, Gaadi = 45,650, Yuda = 74,600, Isaaka = 54,400, Zebbulooni = 57,400, Yusufu = 40,500, Manase = 32,200, Benyamini = 35,400, Ddaani = 62,700, Aseri = 41,500, Nafutaali = 53,400

Omugatte be basajja Emitwalo nkaaga mu enkumi ssatu mu ebikumi bitaano mu amakumi ataano (603,550)

Katonda yamanya era amanyi omuwendo gw'abantu bonna abali kunsi era naabaali babaddewo wamu n'abagenda okubaawo era ye teyeetaaga nkalala wabula ku lw'abo b'awadde obuvunaanyizibwa bw'okukulembera abalala olw'emirimu egy'enjawulo yalagira okubalibwa kukolwe. Okubalibwa kuno kwali kwa kugasa Musa n'abakulembeze abalala era nga ebyavaamu byafuuka ebimu ku biwandiiko eby'omugaso mu ggwanga lya Isirayiri.

Egimu ku migaso gy'okuwandiika enkalala zino mwe mwali amagezi ga Katonda okukuuma ennyiriri olw'okusobozesa olunyiri omwali omwokuyisibwa omulokozi Yesu Kristo okukuumibwa.

Ate era kino kyali kibateekateeka okusikira ensi ensuubize era nga enkalal zino zaakozesebwa ogugaba ebitundu by'ettaka okusinziira ku bika nga bwekiragibwa mu Yoswa.

Obukulu bw'ennyiri zino n'ebiwandiiko bino birabibwa mu by'afaayo nti abamu bawummuzibwa mu mirimo gy'ebaalina okukola lwakuba nti tebaamanya buzaale bwabwe.

Nekkemiya 7:63-65

Okuwandiisa abantu mu mpya zaabwe, mu bujjajja bwabwe, era ne mubika byabwe kitulaga nga Katonda bwali omulambulukufu mu bintu by'akola era nga mu nkola ze temuli kavuyo.

Ye Katonda alagira ebitabuddwatabuddwa okubeera mu butebenkevu (Lubereberye 1:1ff)

Mukama Katonda atuwadde eby'okulabirako era nga naffe atusuubira okuba abalambulukufu era abalungamya obulungi ebintu mu buweereza bwaffe na buli kimu kye tukola.

Tukiraba ne ku Mukama waffe Yesu nti bweyali akola okuweereeza kwe yalina abatume 12 nawaakubadde nga yalina abantu abalala mu bulamu bwe naye bano baali bankizo.

Tujjukire era nga tusoma enkala zino nti waliyo olukala olusinga obukulu mu bulamu bwaffe kaakaano nga ne bwetuba tetuli ku nkalala z'akulonda, ez'endaga muntu, ez'emirimu egigabibwa naye nga tuli ku luno tulina byonna kubabanga abali ku luno bagenda kubeerera emirembe gyonna era basikire obulamu obutaggwawo.

Okubikkulirwa 20:11-15 ***Awo ne ndaba entebe ey'obwakabaka enjeru n'Oyo eyali agituddeko. Ensi n'ebbanga ne bidduka okuva mu maaso ge, naye nga tewali we biyinza kwekweka. Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali. Ennyanja zonna ne ziwaayo abafu abaali mu zo, n'okufa n'Amagombe nabyo ne biwaayo abafu abaabirimu. Buli omu n'asalirwa omusango, ng'ebikolwa bye bwe byali. Okufa n'Amagombe ne bisuulibwa mu nnyanja ey'omuliro, kuno kwe kufa okwokubiri. Era buli eyasangibwa ng'erinnya lye teriwandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu, n'asuulibwa mu nnyanja ey'omuliro.***

Vs 47-54 Obuvunaanyizibwa bw'Abaleevi.

Bano tebaabalirwanga wamu n'abantu ab'ebika ebirala kubanga baali balonde ba Mukama era nga yabawa emirimu gy'okulabirira Eweema ey'Obujulirwa nga muno mulimu

i) Okusitula Eweema
ii) Okugirabirila
iii) Okugyetooloola mu lusiisira
iv) Okugisimbula ng'esengulwa
v) Okugisimba mu kifo ekirala

Abalala bonna baasulanga mu bibinja byabwe mu lusiisira naye Abaleevi bo baakubanga ensiisira zaabwe okwetoolooola Eweema y'Obujulirwa abantu abalala baleme kufuna bulabe okuva ku busungu bwa Katonda.

Kino ky'ekika omwava Musa ne Alooni ate era kyafuna okuganja oluvannyuma lw'Abayisirayiri okusinza ennyana bwebatta abantu n'ebitala.

Okuva 32:26-29 “***n’ayimirira mu mulyango gw’olusiisira, n’agamba nti, "Ani ali ku ludda lwa Mukama? Ajje wano we ndi." Awo batabani ba Leevi bonna ne bakuŋŋaanira w’ali. N’abagamba nti, "Bw’ati Mukama Katonda wa Isirayiri bw’ayogera nti, ’Buli musajja yeesibe ekitala kye mu kiwato kye, muyiteeyite mu nsiisira okuva ku ludda olumu okutuuka ku ludda olulala, nga buli musajja atta muganda we ne mukwano gwe, ne muliraanwa we.’ " Abaleevi ne bakola nga Musa bwe yabalagira; era ku lunaku olwo abantu ng’enkumi ssatu ne battibwa. Awo Musa n’agamba nti, "Mwawuddwa leero eri Mukama, bwe musse buli omu mutabani we, era ne muganda we; Mukama abawadde omukisa ku lunaku lwa leero."***

Eby’okuyiga byetujja mu kitundu kino bwe bulongoofu n’obutuukirivu bwa Katonda nti yalonda era n’atukuza Abaleevi okubeera abakozi mu Weema era nga guno tegwali mulimo gwa buli muntu wabula abo abatukuziddwa era ne baawulwa ku ol’wemirimo egyo.

Kino kituwa okumanya nti Katonda atuyise era nga mukuyitibwa kwaffe mulimu n’okweyawula eri ensi newaakubadde nga tuli mu nsi.

Buli omu kuffe eyakkiriza Yesu Kristo aliko okuyitibwa ku bulamu bwe okuweereza Katonda mu ngeri ez’enjawulo era nga kitugwanidde okwetukuza n’okutwala obulamu bwaffe nga bwa muwendo kubanga ne Katonda yatussaako omuweedo gw’omusaayi gwa Yesu Kristo.

Twagulibwa na musaayi era ne tunaazibwa n’omusaayi kale kyekiva kitugwanira okwewaayo eri obutukuvu obugwanira omusaayi ogwatugula.

Omuwendo ogwagula ekintu emirundi mingi gusalawo enkwata y’ekintu ekyo; kale twekwata era ne twetwala tutya ng’ebitagasa ngatwagulibwa omusaayi ogw’omuwendo omungi bwegutyo?

Okubikkulirwa 7:9-17 **Oluvannyuma lw’ebyo ne ndaba, era laba, ekibiina ky’abantu ekinene ennyo nga tebasoboka na kubalika, nga bava mu buli nsi na buli kika, na buli ggwanga na buli lulimi, nga bayimiridde mu maaso g’entebe ey’obwakabaka ne mu maaso g’Omwana gw’Endiga nga bambadde ebyambalo ebyeru nga balina n’enkindu mu ngalo zaabwe. Ne boogera mu ddoboozi ery’omwanguka nga bagamba nti, "Obulokozi bwa Katonda waffe atudde ku ntebe ey’obwakabaka era bwa Mwana gw’Endiga." Awo bamalayika bonna ne bayimirira nga beetoolodde entebe ey’obwakabaka n’abakadde era n’ebiramu ebina, ne bavuunama mu maaso g’entebe ey’obwakabaka ng’ebyenyi byabwe biri wansi ne basinza Katonda. Ne bayimba nti, "Amiina! Okutenderezebwa, n’ekitiibwa, n’amagezi, n’okwebazibwa, n’ettendo, n’obuyinza, n’amaanyi, bibe eri Katonda waffe emirembe n’emirembe. Amiina!" Awo omu ku bakadde n’ambuuza nti, "Bano abambadde ebyambalo ebyeru obamanyi, era omanyi gye bava?" Ne nziramu nti. "Mukama wange, gw’omanyi." N’aŋŋamba nti, "Bano be baayita mu kubonaabona okunene, ne bayoza ebyambalo byabwe ne babitukuza mu musaayi gw’Omwana gw’Endiga. Kyebavudde babeera wano mu maaso g’entebe ey’obwakabaka eya Katonda nga bamusinza emisana n’ekiro mu Yeekaalu ye. Oyo atudde ku ntebe ey’obwakabaka, anaaberanga nabo ng’abalabirira. Tebaliddayo kulumwa njala wadde ennyonta, newaakubadde omusana**

okubookya wadde ekyokya ekirala kyonna; kubanga Omwana gw’Endiga ayimiridde mu maaso g’entebe ey’obwakabaka, y’anaabeeranga omusumba waabwe era y’anaabakulemberanga okubatwala eri ensulo ez’amazzi ag’obulamu. Era Katonda alisangula buli zziga mu maaso gaabwe."